OLUKIIKO LW'ABAZZUKULU BA BUGANDA

(Bazzukulu b'Abakulu b'Obusolya bw'Ebika bya Buganda)
The Council of the Grandchildren of Buganda

P.O Box 189 Kampala-Uganda
Mob: 0712 845736, 0712 810415

Our Ref:.....

Your Ref:.....

Date: 26th January 2015

BAJJAJJA ABATAKA ABAKULU B'OBUSOLYA BW'EBIKA BYA BUGANDA.

Bajjajja,

Ffe bazzukulu bammwe tubeebaza byonna bye mwekolera. Wabula tuli mu kwewuunya enkola yammwe. Bulijjo ebivve bwe bibadde bikolwa ku **buwangwa n'ennono** ya Buganda temulina mulundi yadde ogumu bweguti lwe mwavaayo kubaako kye mukola yadde okwogera. Okugeza, omuseegu Mayiga yatongoza Mugema w'embiri n'Amasiro atali wa nnono yaffe ow'obulimba, okwo nga kw'agasse okutyooboola Abalangira n'obuwangwa bw'Amasiro. Ebyo by'abalema okwogerako okuvumirira era ne mugaana n'okubeera mu lukiiko lwa Mugema e Bbira olwavumirira obujoozi bwa Mayiga. Ebbanga lino lyonna nga tulwanyisa ebivve bino n'abakolobezi, nga mmwe mwetuuddeko musirise mwefudde abagayaavu mpozzi nga mwe bamu mukuuma kyama mu ngeri y'okwebuzaabuuza; nga muwagira abakolobezi abasaanyaawo Buganda.

Muli bataka ba ngeri ki? Era ddala mulina buvunaanyizibwa ki ku buwangwa n'ennono bya Buganda naffe bazzukulu bammwe? Kaakano ekigendererwa bulijjo kye mukwese kyeyolekedde mu butunzi bwe muliko ku Lubiri lwaffe e Mmengo. Ekiseera kituuse ffe Bazzukulu bammwe be musaanidde okusomesa ennono nate tubasomese kubanga mweyolese nti ddala temugimanyi. Bwe kitaba ekyo muyitirizza amaddu g'ebyenfuna, obujega, obulagajjavu bw'emitwe, obuluvu, obuvaabizi n'obwakimbuyege ng'era temulina kasiba kulya lukwe ku nsonga za Buganda singa mulagibwa omulyo. Kitalo nti omutaka wa Buganda omukulu wa kasolya k'ekika asobola okuvaayo nga talina nsonyi ng'aliko n'akamwenyumwenyu n'ayogera omuwendo gw'ensimbi okulamuza olubiri!

Ng'oggyeeko ebivve ebizze bibaawo nga bajjajja mu biyisaako amaaso, waliwo eby'enkukunala mwe mwennyini bye mwenyigiddemu. Okugeza, omutaka Katongole omukulu w'ekika ky'eNte y'ekobaana ne kaggwensonyi Mayiga n'atunda Essasa ly'Obwakabaka e Katwe. Tewaali nkiiko zituuzibwa kwogera ku kikolobero ekyo nga ddala omu ku mmwe y'akikoze, mwabunira bubunizi nga mwekwasa nti Kabaka tabayita mu nkiiko. Abaffe bajjajja abataka, mu kiyigire wano leero nti mu buwangwa bwaffe Abaganda olukiiko lwa Ssabataka lukiiko lwa Bataka. Obuvunaanyizibwa buli ku mmwe abataka okubeera n'ensonga eziyisa olukiiko lwammwe. Kabaka talagira mu lukiiko luno abeera azze kuwulira na kuteesa. Bw'abaako ne kyaayagala okulagira, alina olukiiko lwe gy'ayisiza ebiragiro olw'abebitiibwa, abaami n'abakungu.

Abataka abakulu b'ebika mwe mulina abazzukulu yonna mu buli bifo e Buganda ababasobozesa okumanya ebifaayo olwo ne mu beera n'obuvunaanyizibwa okubitegeeza Kabaka. Bwe kiba kyeetaagisa ayite olukiiko lwe (*olw'abazzukulu abasiige be mwamuwa*) alagire bakole bye mumaze okuteesaako naye. Ssabataka bw'abeera tasobodde kubaawo mu lukiiko, ekyo tekilobera bataka kugenda mu maaso na kuteesa ku nsonga. Era tewali kalombolombo kawa Ssabataka mwagaanya kugaana bataka kutuuza lukiiko olw'okuba taluliimu. Abataka be babuulira Kabaka ebifa e Buganda (ensonga y'okuteesaako mu lukiiko) so si Kabaka kubabuulira kya kukola. Abataka be bateekawo Kabaka era Kabaka abeera waabwe, kale tekisoboka kugamba nti abataka ba Kabaka. Kabaka asobola okuvaawo abataka ne bateekawo Kabaka omulala, kyokka Kabaka tasobola kuteekawo mutaka mukulu wa kika yadde omu bwaati. Kale bajjajja abataka temuddamu kutukuusa nga mwekwasa Kabaka mbu yabeesamba. Mwe abalagajjavu abeewussa bwe mutyo an'abeesiga atya ng'abalaba temufaayo na kukola buvunaanyizibwa bwammwe?

Kati lino ssomo ku buwangwa bw'olubiri lw'eMmengo lwe mweesomye okusaanyaawo mu kisiikirize ky'enkulaakulana nga mulugabula omuyindi Agakhani. Olubiri lw'eMmengo luno kibuga ky'akubwa Kabaka Mwanga ng'ali n'abataka abakakafu mu kiseera ekyo, abaali bamanyi obuvunaanyizibwa bwabwe. Era mu nnono ya Buganda ekibuga ekyo kitwalibwa ng'Amasiro ga Mwanga kubanga nnyinikyo Kabaka Mwanga yabula. Kale bwe yabula, eyo neefuuka ensibuko y'Abalangira n'Abambejja era olulyo olulangira lwe luvunaanyizibwa ku masiro ago ag'eMmengo kati ge mwemoolerako. Temuddamu kubuzaabuza nti olwo lubiri lwa Kabaka Mutebi olw'okuba muli bagayaavu mulemereddwa obuvunaanyizibwa bwammwe okumuzimbira olubiri. Olwo mulyooke mwesibe ku lwa bali abataka abaasobola okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe.

Ekigambo Lubiri kitegeeza Balangira na Bambejja, kyokka kitwewuunyisa nti buli lwe mwogera ku lubiri luno olw'e Mmengo tewali kwogera ku balangira. Mutuwa ekifaananyi nti mukkaanya n'omuseegu Mayiga eyagamba nti abalangira tebalina kyabwe e Buganda. Olubiri kirabika mwalwefunza nti tekikyetaagisa kwogera ku bannyinilwo abatuufu abalangira n'abambejja. Kaakano tubuuza mwe abataka abeemoola, bwe mwabadde muteesa ku ddiiru y'okugabula omuyindi agakhan olubiri mufune omudidi gw'ensimbi abalangira n'abambejja baabaddemu mu lukiiko? Bajjajja mulekelaawo okwewugguusa.

Jjuuzi abalangira baakubwa emiggo ne basibwa mu kkomera lwa butunzi obwaliwo ku lubiri lwabwe olwo. Tewaavaayo mutaka noomu yadde olukiiko lw'abataka okutuuzibwa okukyogerako era ne musirika buteenyeenya ne mwetuulako. Kati laba mwesowoddeyo bukuukuubira mutulaga obuvunaanyizibwa olw'okuba mulabye omulyo!!! Musobola n'okutuula mu lukiiko okuteesa okutunda olubiri nga bannyinilwo abaakubwa ne basibwa tebaliiwo, nga tebakimanyi!!! Ekyo kikwasa ensonyi nyingi! Ku bukuusa buno bwe mutulaze tubawe tutya obwesige okukuuma Kabaka waffe ne Buganda?

Enkola gye muyiiyizza okweyombya nga mweyawuddemu ebitundu ekikkaanya okutunda n'ekiwakanya so nga mwenna muli mu kkobaane, ya bulijjo nnyo tugimanyi era ya kito. Anti ***ageerwaanyarwaanya***...! Ekyo ffe tukitegeera

bulungi nyo kubanga tukirabye emirundi mingi. Ebiro bino ababbi eyo y'enkola gye mwettanira okuyitamu nga mubuzaabuza abantu nga mubatwaalako ebyabwe. Mbu Kayiira ayanjule ensonga afune abamu ku bataka abamuwagira nti era wabeerewo abatuwudiisa nga bamuwakanya nga boogera ebirabika nti bya nsonga balumirirwa ennono. Kyokka ng'omuzannyo gwonna gwa kuggweera mu kutunda lubiri mugabane omudidi. Oyo katemba takyayinza kutubuguyaza.

Ggwe Kayiira omutaka omukulu w'ekika ky'eMbogo omulamba okkiriza otya okutumibwa okutambulira mu nkwawa z'omuzzukulu olw'okuba katikkiro? Era nooyogera eby'obuseegu mbu katikkiro asoosowaza okukulaakulanya Buganda mbu era 'antumye' ddiiru y'okutunda olubiri olw'okutuusa Buganda ku ntikko!!! Eh! Omutaka tomanyi na makulu ga kigambo 'kutuuka ku **ntikko'**? Tomanyi nti kiwemula? Kino kitalo oli muswavu. Abeerangakonno omuntu nti katikkiro nga muntumulamu, naye Mayiga omuseegu kaggw'ensonyi aliko n'obujulizi obw'olwatu nga ye yennyini yalangirira nti tayagala buwangwa na nnono tajja kukkiriza bulombolombo mu masiro e Kasubi, ne yelangirira nti si Muganda! Ebyo tukimanyi nti omuntu omuluvu nga ggwe atunuulidde omulyo tasobola kubijjukira kubanga by'onoona ddiiru. Naye ssebo omutaka tukujjukiza nti byaliwo yadde nga mmwe mwefuula ab'endali ng'amazima gaboolekedde.

Bwe muba nti bajjajja temukyalina busobozi na buvumu kumanya Buwangwa na Nnono yaffe na kunyweerera ku mazima ga bulombolombo, mukomyewo ebifundikwa byaffe mu bika. Ffe abazzukulu abamanyi obuwangwa n'ennono era abasobola okutambuza obuvunaanyizibwa bwabyo weetuli era tuli beetegefu.

Wangaala Buganda onunulwe mu Buddu
Awangaale Ssabasajja Kabaka



……..
Jjunju Kamulali
Ssentebe w'oLukiiko lw'Abazzukulu ba Buganda

cc Abalangira abakulu b'emituba
cc Ssabalangira Kayima
cc Bannamawulire